

# *463. KRISTU ONZIJUKIRANGA*

**Ps 22**


**Fr James Kabuye**




***Recitative***




2. Yantwala eri amazzi amangi, gye mba mpummulira nga nnywa nze
   Omwoyo gwange n'aguzzaamu, endasi mmutenda.
3. Ku olwo yampisa mu bukubo, obugolokofu obutuusa amangu
   Olw'okubeera erinnya lye ekkulu eryo, eritukuvu.
4. Ne bwe ntambula mu kiwonvu eky'enzikiza, ekikutte be ppo
   Siitye nze bubenje bwonna, kubanga ggwe oli nange.
5. Oluga awamu n'omuggo gwo, nange binkubagiza
   Ontegekera olujjuliro nga batunula, abalabe bange.
6. Ogwange omutwe ogusiiga omuzigo, ekikompe kyange ne kibooga
   Ekisa kyo n'omukwano bingoberere, ennaku zonna, ez'obulamu bwange.
7. Nnaasulanga mu nju eno ey'Omukama, emirembe gyonna nze
   Nnaasulanga mu nju eno bulijjo, emirembe gyonna.